

Naye tuyinza okujja mumusango mulinnya ly'omuntu omutukirivu. Mukifo ky'okugenda mumannyi gaffe, mumaanyi g'ebyo byetusobola okukola, tulina kugenda mulinnya ly'omuntu omutuukirivu.

Kubanga yemuntu yekka alina obutuukirivu omusango gwa Katonda gwebuyiinza okukkiriza.

Omusajja omuyivu omwaatikirivu, Hans Kung, yayogera ebigambo mukuziikibwa kw'omusajja omukugu mu by'eddiini, Karl Barth. Yayogera kumboozi gyeyanyumyaako n'omusajja ono Barth. Bwebaali ngabakubaganya ebirowoozo kubyawandiikibwa ebitukuvu, batuuka kubutakkaanya, bwatyo Kung nagamba Barth," Nkuwadde okukkiriza okulungi." Kulunaku olwo olw'enkomerero bwendirabika mumusango, sigenda kugendayo na gusawo gwange ogunene ogweby'eddiini (kubanga yawandiika ekisukkiridde kw'ebyo byetusomye bukya tubeera kungsi kuno). Sigenda kugenda mu musango nga ntagatta nteeke ogusawo wansi ekirituusa n'okusesa bamalayika. Yadde sigenda kuwolereza bigendererwa byange birungi. Naye okusaba kwange kugenda bubeera, Katonda wange beera wakisa eri nnze omwonoonyi.

Okukkiriza kw'omukristayo alina okikkiriza kwa Yesu bulijjo yegayirira nti: "Totunuulira omwonoonyi, naye tunuulira omuwolereza wange. Tewali kintu kyonna munnze ekigeragerannyizibwa n'okwagala kweyalaga kulwange, naye yawaayo obulamubwe kulwange. Ndbira mu Kristo. Yafuuka ekibi kulwange ndyooke nfuulibwe omutuukirivu wa Katonda muye. Guno gwemutima gw'okuyigiriza kwa Yesu Kristo." Kwekkukkiriza okw'amazima okw'abaana bonna aba Katonda. Era :

Naye omutuukirivu an'abanga mulamu lwa kukkiriza. —Baruumi 1:17

Abo bonna abenonya ebibi byabwe mu Mukama waffe Yesu Kristo ng'Omulokozi waabwe era nga Mukama waabwe balina okusuubiza okw'amazima okw'okusonyiyibwa ebibi byaabwe n'obulamu obutaggwaawo. Oneteeka wansi w'ekisa kya Katonda mu Kristo Yesu? Saba okusaba kwo okumpi eri Katonda kakati era naye tajja kugobera bweeru.

Mukama mmanyi nti obulamu bwange bubadde ngabujjudde ekibi n'okwerowoozako. Ai Katonda nsonyiwa ebibi byange era ombikeko n'obutuukirivubwo. Okuva leero n'okweyongerayo mu maaso mubulamu bwange ntandike bulijjo okwesiganga Kristo ng'Omulokozi wange era Mukama w'obulamu bwange. Bulijjo kankowoolenga okusonyiyibwaako era n'ekisakyo mu Kristo era kantandike okwagala n'okusonyiwa abantu abalala nga bwonjagade n'osonyiwa era nga bwowewaayo kububwo wekka kumusaalaba.

Bino Ai Yesu mbsabye mulinnyalyo. Amiina.

Eby'okuyiga bino eby'obukristayo bikulekeddwa muliranwawo:



Present Truth Magazine  
www.PresentTruthMag.org

# Okuyigiriza Kwa Kristo Okwangu



## Amateeka amakulu abiri

1. Yagalanga Mukama Katondawo.
2. Yagalanga Muliraanwawo

## Enjiri ya Kristo

# Okuyigiriza Kwa Kristo Okwaangu

Entegeera y'abakristayo eyabulijjo egamba bw'etyi—

Nzikiririza mukuyigiriza kwa Kristo okwaangu. Obukristayo bwange kwekutambulira mutteeka ekulu ery'okwagala: “Kola ekyo abalala ky'oyagala bakukole.



Omusajja Omubuulizi w'Eniri bweyakaala mu Australia, ebbaluwa eno wammanga yalabika mumpapula ze Melbourne ez'amawulire—

Nkooye okutegeezebwa nga bwendi omwonoonyi kayingo eyetaaga okwenenya n'okulokolebwa n'omusaayi ogutangirira”. Ebigambo ng'ebyo binakuwaza nnyo mumulembe guno omugunjufu. Lwaki tetubuulirwa kubulungi n'ekitiibwa ky'omuntu?

Kristo yayigiriza kukwaagala n'okuguminkiriza eri buli omu eri munne era n'okusaamu ekitiibwa obulungi bw'omuntu. Katukkirize okuyigiriza kwa Kristo okwaangu mukifo ky'okuwuliriza.

George Whitefield bweyali nga akyaumuukiriza abantu bomu Bungereza mukyaasa eky'ekkumi n'omunaana n'okuzuukukakwe okw'amaanyi, yegatibwaako abantu ab'erinnya mu Kooti y'e Bungereza. Omumbejja we Buckingham y'omu kw'abo abayitibwa okugenda munkungaanaze. Ng'atudde mulukungaanana lwa Whitefield nga bwalalika ennyindoye waggulu, yawandiikira mukwanogwe omukyaala ebigambo bino—

Enjigiriza yaabwe mbi, egoba abantu era erimu ebigambo ebinnyooma ngatebiwa kitiibwa bantu ababasinga ekitiibwa, abefunziridde okuleetawo omwenkanonkano mubantu n'okukujirawo ddala enjawulo zonna. Kireeta okwesisiwala okugamba nti olina omutima omwonoonyi nga ogw'abantu abanaku abavuyira kunsu kuno. Kino kibi nnyo, era kisaabulula omuntu, era siyiinza butewuunya ggwe Omukyaala Ow'ekitiibwa nti oyiinza okwefeebya okuva kuddaala ly'oliko n'owefuula ng'omuntu owabulijjo.

Emyaaka mitono egiyise abantu abayivu ab'omugendo gw'obukristayo basuubiza okukkiriza ekyo kyebyayita okuyigiriza kwa Kristo okwaangu-Katonda okubeera Kitaffe era ow'oluganda eri Omuntu. Bakkiriza nti Paulo, ng'omusajja Omuyivu munamateeka era Omukugu muby'eddiini, yafuula okuyigiriza kwa

Eri abo abategeera nti balina okuyimirira mu musango gwa Katonda, mawulire malungi nnyo nti okuyita mukukkiriza Yesu Kristo, okukkiriza erinnyalye, okukkiriza omusaayigwe ogwayiika, tulina okusonnyiyibwa okw'obwereere okw'ebibi byonna. Yesu yabalibwa okubeera omwonoonyi kulwaffe. Okuyita mukukkiriza tubalibwa okubeera abatuukirivu kululwe. Tuyimirira mumaaso g'entebbe nga tukkirizibwa eri Katonda. Ebirowoozo byaffe tebigenda kuwummula, tebigenda kulekerawo kutuloopa, okutuusa ng'olwokukkiriza tukutte ekyo ekitejeereza kulwa Kristo Yesu.

## Mulinnya ly'omuntu Omuntu Omutukiirivu

Mubigambo eby'omuwendo Yesu byeyayogera, yagamba nti,

Akkiriza omutuukirivu mulinnya ly'omutuukirivu mwalfunira empeera y'omuntu omutuukirivu. —Matayo 10:41

Tuyiinza okuteeka kubballi abyawandiikibwa bya Paulo, naye era netuba nga mubyo tuyiinza okutegeera ebigambo bya Kristo. Wano wewali enkola ya Kristo okudda mukifo ky'omwonoonyi. Oyo akkiriza omutuukirivu mulinnya ly'omutukiirivu afuna empeera y'omuntu omutuukirivu. Eri ffena ekyawandiikibwa, kitugamba:

Tewali mutuukirivu, Tewali n'omu. —Balumi 3:10

Tewali muluungi wabula omu, ye Katonda. —Lukka 18:19

Ye “Yesu Kristo omutuukirivu” (1 Yokana 2:1). Oyo “ye Mutukuvu wa Isiraeri” (Isaaya 41:14; 43:14; 49:7). Ye Mutukuvu yekka. Era oyo akkiriza omutuukirivu ono mulinnya ly'omuntu omutuukirivu agenda kufuna empeera y'omuntu omutuukirivu.

Kubanga ffe ffena kitugwaanira okulabisibwa Kristo walisalira emisango. —2 Bakkolinso 5:10

Tuyiinza okujja eri omusango mulinnya lyaffe era ne mukukola kwaffe. Tuyiinza okujja n'ebikolwa ebirungi. Tuyiinza okkuka wansi mumaaso g'entebbe ey'omusango, ne twogera nti, “Nnze nzuuno Ai Mukama!” Bwetubeera n'obutuukirivu obwo obwenkanankana n'obutuukirivu obulagiddwa mukuyigiriza kwa Kristo okwaangu, tugenda kuyimirira. Naye senga obutuukirivu bwaffe bwebuliba nga bubulako akatonnyeze kamu, tugenda kusalirwa omusango era tusuulibwe ebweeru. Eri abantu ab'engeri eyo, ekyawandiikibwa kigamba:

N'omuddu oyo ataliiko kyagasa mumusuule mukizikiza ekyebweeru: mwe muliba okukaaba n'okulumwa obujji. —Matayo 25:30

Omwaana gw'endiga ogwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi.  
—Yokaana 1:29

Yawaayo obulamubwe ng'ekinunulo ky'abaangi mukifo kyaffe. Olw'okufaakwe obutukirivu bwa Katonda bwamatizibwa mukifo kyaffe. Bwekityo, ekisa kya Katonda nekituweebwa mukusonyiyibwa ebibi mulinnya Iya Kristo.

Paulo ng'ali kungeendoze mu Buyindi entono, yabuulira,



Kale, abasajja  
ab'oluganda, mutegeere  
nti kubw'oyo  
okuggyibwako ebibi  
kubuliddwa by'onna  
byemutayinzika  
kuggyibwako mumateeka  
ga Musa, kubw'oyo buli  
akkiriza abiggyibwako. —  
Bikolwa 13:38-39

Okuyigiriza kwa Kristo  
Simpisa buyisa  
zabuntu bulamu. Okusukka  
kumpisa oz'obuntu bulamu  
wewali obubaka obwa  
sadaakaye ey'obwa  
Katonda olw'ebibi by'ensi  
era n'okuwaayo  
ekiwebwaayo kye  
olw'okusonnyiyibwa kw'ebibi  
eri bonna abakkiriza.

Enzikiriza y'Abatume  
ekirizibwa mungeri y'emu mu  
mumatabi gonna  
ag'obukristayo. Yewuunyisa  
olw'obumpi bwaayo. Wakati  
w'enzikiriza eno, mwemuli  
ebigambo ebitono ennyo  
ebigamba nti; "Nnzikiriza  
mukusonnyiyibwa kw'ebibi."  
Obwo bwebubaka

obw'essanyu eri emyoyo

egizitowereddwa n'omusango era nga emeeme zaabwe zibalumiriza.

Era ng'abantu bwebaterekebwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango. —Bebbulaniya 9:27

Kristo okubeera okuzibu, okuyigirizaakwe kusitudde empaka okumalira ddala kumpi emyaaka 2000. Newankubadde ng'endowooza eyo ewakannyiziddwa wakati mubakugu b'ebyeddiini, ekyaali mubantu babulijjo.

Walabika ngawakyaaliwo okujjulira kwa bantu eri "Okuyigiriza kwa Kristo okwaangu"—Katonda okubeera Kitaffe era nabeera muganda w'omuntu atambula, n'okutambulira mutteeka erya zaabu. Bwekityo nga tutadde kubwali okuyigiriza kwa Paulo n'okwabanaddiini abalala ab'endagaano empya, katulowooze kukuyigiriza kwa Kristo okwaangu.

## Amateeka Abiri Agasinga Obukulu

Omufalisayo Omuyivu lumu yabuuzza Mukama waffe ekibuuzo,

Omuyigiriza, ekiragiro ekikulu mumateeka kyekiruwa?

Munjogera endala, kintu ki ekisinga obukulu mubitabo byonna ebya Musa? Kristo mubwangu yamuddamu nti:

Yagalanga Mukama Katondawo n'omutimagwo gwona, n'obulamubwo bwona, n'amagezigo gona. Kino kyekiragiro ekikulu ekyoluberyeberye. Nkyokubiri ekikifaanana kyekino nti Yagalaanga muliraanwawo ngabweweyagala wekka.—Matayo 22:36-39

Era nemunamateeka omu yabuuzza Kristo ekibuuzo kyekimu nti:  
'Omuyigiriza, nkolenga ki okusikira obulamu obutaggwaawo?'  
—Lukka 10:25

Tewali n'omu atekwa okusanga obuzibu mu kibuuzo ekifanana bwekityo. Kristo yamanya nti omusajja munamateeka amutega butezi katego, bw'atyo naye kwekumuddiza ekibuuzo:

Kyawandikibwa kitya mumamateeka? Osoma otya?" Mumamateeka kwekuddamu nti, 'Yagalaanga Mukama Katondawo n'omutimagwo gwona, ne memeyo yonna, n'amaanyigo gonna, n'amagezigo gonna; ne muliraanwawo nga ggwe wekka'. Ne Yesu kwekumuddamu nti, 'Ozzemu buluungi; kola bwotyo on'obaanga n'obulamu.—Lukka 10:26-28

Tuteekwa okukitegeera nti Kristo yali tayigiriza mpisa mpya— eddaala ly'empisa eppya, eteeka ery'okutambuliramu eriggya. Yali oyongera musana muungi mutteeka ekadde. Ebigambobye byajjibwa butereevu okuva mubiwandiiko bya Musa. Katonda wa Mukama waffe Yesu Kristo yeyali Katonda w'endagaano enkadde, Katonda wabe Bulaniya.

Mubunabbi obukwaata ku Kristo mukitabo kya Isaaya, Kiwandiikiddwa nti: Mukama yasiima olw'obutuukirivubwe, Okukuza amateeka n'okugassaamu ekitiibwa (Isaaya 42:21). Okukuza oba okuzimbulukusa ekintu tekukyuusa mbeera yakintu wabula kiba kwongera bwongezi ndabika yakyo.

Emisittale gyonna, ne mbibiro zonna na buli kalonda yenna kukintu ekyo aba ng'ayeluddwa bulungi era ng'alabika bulungi. Bwekityo ne Kristo yali nga tasobola kuggyawo tteeka lyampisa kadde. Yalizimbulukusa, amakulu gaalyo, yayongera okugafuula agategerekeka obulungi n'ekyo kyeliragira kibeere nga kinnyweezebwa.

## Yagala Mukama Katondawo

Etteeka ekkulu ery'oluryeberye:

Onoyagalanga Mukama Katondawo no'mutimagwo gwonna, era n'obulamubwo bwonna, era n'amagezigo gonna.

Etteeka lino Yesu Kristo yalizimbulusa bweyayogera nti:

Ayagala kitawe oba nnyina okubasinza nnze, tansaanira nnze; n'oyo ayagala mutabaniwe oba muwalawe okusinga nnze, tansaanira nnze. —Matayo 10:37

Temuyiinza kuweereza Katonda ne Mammona.—Matayo 6:24

Omutima teguyiinza kweyawulamu wakati wa Katonda n'ebintu byensi. Katonda takkiriza kuweereza okw'Omutima ogw'ekitundu.

Kale bwekityo buli muntu yenna kummwe atagaanenga byonna by'ali nabyo, tayiinzenza kuba muyigirizwa wange.—Lukka 14:33

Kristo teyakoma bukomi kuyigiriza kiragiro kino, naye yakitambulirangamu.

Olw'okubanga omuwendo ogw'okusobya gwasasulwa gwonna, tufuna okusonnyiyibwa ebibi okuyita mu kukkiriza omusaayigwe. Bweyatoola ekikompe sakaramentu yokufaakwe, Yesu yagamba,

Guno gwe musaayi gwange ogw'endagaano oguyiika kulw'abangi olw'okuggyawo ebibi. —Matayo 26:28

Kristo yatununula mu kikolimo ky'amateeka, bweyafuuka ekikolimo kulwaffe – kubanga kyawandiikibwa nti "Akolimiddwa buli awanikibwa kumuti." —Baggalatiya 3:18

Kristo yettika ebibi byaffe. Yatwaala ekikolimo amateeka kyegalangirira kubonoonyi. Kino yakikola ffe okuyita mukukkiriza ekyo kyeyakola, tusobole okusonnyiyibwa ebibi byaffe era tulyooke tusobole okusikira emikisa egyasuubizibwa abo abakuuma amateeka.

Nga Musa bweyawanika omusota muddungu, bwekityo n'omwaana w'omuntu atekwa okuwanikibwa, buli amukkiriza alyooke afune abulamu obutaggwaawo. —Yokaana 3:14-15

Yesu yafa okufa okwabuli mwonoonyi. Naye olw'okubanga teyalina kibi, ky'ali kizibu okulemera emagombe. Era bweyazuukira okuva mu bafu, abayigirizwabe yabasiibula n'ebigambo bino ng'alinnya muggulu nti:

Bwekityo bwekyawandiikibwa, Kristo okubonyabonyezebwa n'okuzuukira mubafu kulunaku olwokusatu; era amawaanga gonna okubuulirwaanga okwenenya n'okuggyibwako ebibi mulinnyalye, okusookera ku Yerusalemi. —Lukka 24:45-47

Nabagamba nti mugende munsu zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna. Akkiriza n'abatizibwa, aliokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga. —Makko 16:15-16

Ekirungo ekyetaagibwa muddiini y'obukristayo, si zempisa obuyisa eza Kristo, naye tteeka ly'akwagala lyeyalagira. Bwetuba ngatulina obuteetegeera bwonna obwobutasaanira bwaffe, tuteekwa mumazima okutegeera nti "Okuyigiriza kwa Kristo okwaangu" Kutusingisa omusango ffena.

Yesu yasukkawo nnyo mukuyigiriza kuno. Ye kennyini ng'ekyokulabirako eri olulyo lw'abantu abonoonyi, okuviira ddala kuntandikwa okutuusa kunkomerero y'ekiseera, yawaayo obulamubwe obutuukiridde nga tebulina bbala ng'ekiwebwaayo eri Katonda. Ye yali



Nebamuziikira wamu n'ababi, era n'abagagga mukufaakwe; Newankubadde nga tagiraanga ky'ejo, songa temuli bukuusa mukamwake.

'Naye Mukama yasiima okumubetenta; amunakuwazizza: bw'ofuulanga obulamubwe okuba ekiweebwaayo olw'ekibi, aliraba ezadde, alyongera ku nnakuze, n'ebyo Mukama byayagala biliraba omukisa mu mukono gwe. Aliraba kw'ebyo ebiva mukulumwa kw'obulamubwe, era birimumala olw'okumumanya omuwereza wange omutuukirivu aliweesa bangi obutuukirivu: era alyettika obutali butuukirivu bwaabwe.

Kyendiva mugabira omugabo wamu n'abakulu, era aligerekerera omunyago wamu n'abamaanyi; kubanga yafuka obulamubwe okutuusa ku kufa, n'abalirwa wamu n'abaasobya: naye yettika ekibi ky'abangi era yawolereza abasobya."

—Isaaya 53:3-12

Obunabbi "obwokuwolereza abasobya" bwatuukirira e Gologosa kabona waffe asinga obukulu bweyasaba nti.

Kitange, basonnyuwe; kubanga tebamanyi kyebakola. —Lukka 23:34

Omwana w'omuntu teyajja kuweerezebwa wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamubwe ng'ekinunulo ky'abangi.—Makko 10:45

Ekigambo 'kulwa' mukyawandiikibwa kino kitegeeza '*mukifo kya*' Kristo yajja okuwaayo obulamubwe *mukifo ky'abalala*. Ye kululwe yettika okusobya kwaffe.

Kristo yabonyabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu, atuleete eri Katonda. —1 Peter 3:18

Nnze siyiinza kukola kintu kubwaange: nga bwempulira, wabula eyantuma byayagala. —Yokaana 5:30

Eky'okulya kyaange kwekukolaanga eyantuma by'ayagala n'okutuukiriza omulimugwe.—Yokaana 4:34

Naye nnze sinoonya kitiibwa kyaange. —Yokaana 8:50



Yesu yayagala Katonda n'obulamubwe bwonna n'amaanyige gonna. Okukola Katonda ky'ayagala, okunoonya ekitiibwakye, kyo kyali kyamakulu nnyo eri Kristo okusinga emmere eyabuli lunaku.

Obukakafu obukakasiriza ddala okwaagala, buli mu buwulizebwe obw'okwagala. Ku Kristo kiwandiikiddwa nti yali muwulize okutuusa okufa, okufa okw'okumusaalaba (Bafiripi 2:8). Kristo teyayigiriza buyigiriza kyekyaali kitegeeza okwagala Katonda n'omutima gwonna. Ye nga Kristo mumubiri gw'omuntu yali ng'atambulira mukiragiro ekyo. Era tuyinza ate era okutwaala ebigambo bya Kristo bino:

Yagalanga muliraanwawo.

## Nga Bwoveyagala Wekka

Amateeka omukaaga agasembayo mumateeka ekkumi gafuunziddwa mu bigambo bino nti: " Onoyagalanga muliraanwawo ngabwoveyagala wekka". Kristo teyajja kuggyawo mpisa yatteeke ery'omu ndagaano enkadde. Ky'amazima, wano yali anokolayo ebigambo okuva mukitabo kya Baleevi (Baleevi 19:18). Kristo yajja okuzimbulukusa etteeke, okulaga kiki kyikitegeeza okwagala baliraanwa baffe nga bwetweyagala ffeka. Omuyigiriza yagamba nti:

Temulowooza nti najja kudibya Amateeka oba ebya Banabbi: Sajja kudibya, wabula okutuukiriza. Kubanga mbagamba nti Eggulu n'ensi okutuusa lwebiriggwaawo ennukuta emu newankubadde akatonyeze akamu akomumat eeka t ekaliggwaawo, okutuusa byonna lwebirimala okutuukirira. Kale buli anaadibyaanga linaago amateeka gano amatono era anaagayirizaanga abantu bwatyo, aliyitibwa mutono mubwakabaka obwomuggulu: naye buli anaagakwataanga era anaagayirizaanga, oyo aliyitibwa mukulu mubwakabaka obwomuggulu. —Matayo 5:17-19

Awo Yesu weyatuukira kunsonga yenyiini. Yatandika n'okunokolayo etteeka erimu okuva mundagaano enkadde alage nti teyajja kudibya wabula kuzimbulukusa mpisa zaalyo.

Mwawulira abedda bwebagambibwa nti Tottanga; naye omuntu bwanattanga, anazzanga omusango: naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, alizza omusango; n'oyo anagambaanga muganda we, anagambaanga muganda we nti laka, asaanidde okutwaalibwa mu lukiiko, n'oyo anaagambanga nti musirusiru, asaanidde okusuulibwa mu Geyena ey'omuliro.—Matayo 5:21-22

Mukama waffe yayigiriza nti okunnyiiga, okukozesa olulimi oluvuma oba okusalira omusango omuntu omulala (Matayo 7:1) Sikwetuukiriza etteeka. Ekyo Katonda akisalira omusango. Bwetuba nga tunyiizira muliranwawa waffe, Kristo yakiraga nti okusiinza kwaffe tekukkirizibwa eri Katonda okujjako nga tusoose kugenda ne tugonjoola enjawukana eba eriwo. Katonda tayagala kusinza nga kutonnyeddwaamu amabala g'obunanfuusi.

Kale bwobanga oleese saddaakayo ku kyooto, bwoyima eyo nomala ojjukira nga mugandawo akuliko ekigambo, lekawo saddaakayo mumaaso g'ekyooto, oddeyo os'oke omale okutabagana ne mugandawo, olyooke okomewo oweeyo saddaakayo.—Matayo 5:23-24

Yesu era yeyongera okutangaaza kutteeka eryo'musanvu. Mwawulira bwebagambibwa nti Toyendanga: naye nange

Mbagamba nti buli muntu atunuulira omukazi okumwegomba, ng'amaze okumwendako mu mutimagwe.—Matayo 5:27-28

Kristo yeyongera nate era kukwogera amazima. Yagamba nti Tewali kirayiro ekikakasa nti ekyogerwa ge mazima ekyetaagisa eri oyo ow'amazima mumutimagwe (Matayo 5:33-37). Ky'amazima yayogera nti:

Era mbagamba nti buli Kigambo ekitalimu abantu kyebogera, balikiwoleza kulunaku olw'omusanngo. Kubanga ebigambobyo byebirikuweesa obutuukirivu n'ebigamboyo byebirikusaliza omusaango.—Matayo 12:36-36

Yesu era yayigiriza nti okutuukiriza etteeka ery'okwaagala eri muliraanwa kitegeeza obutaba namwoyo gwakwesasuza, obutaba nakiruyi (Matayo 5:38-41).

Mwawulira bwebagambibwa nti oyagalanga munno, okyawaanga omulabe wo naye nange mbagamba nti mwagaleenga abalabe bammwe musabirenga ababayigganya, mulyooke mubeerenga abaana

Olw'okubanga amateeka galina okutuukirizibwa, kubanga ekibonerezo ky'ekibi kiteekwa okutuukirizibwa, kubanga ekibonerezo kiteekwa okutuuka kw'oyo atatuukiridde era nga simuwulize- nga ffena bwetuli- Kristo yagamba nti Omwaana w'omuntu atekwa okugenda e Yerusalemi.

Nnze musumba omulungi. Omusumba mulungi awaayo obulamubwe olw'endigaze. —Yokaana 10:11

Nnze mpayo obulamu bwaange, ndyoke mbutwaale ate. —Yokaana 10:17

Yesu yajjuliza obunabbi bwa Isaya bweyayogera nti

Kubanga mbagamba nti kino ekyawandiikibwa kigwaanidde okutuukirizibwa ku nnze nti yabalarwa wamu n'abasobya: Kubanga ekingwaanira kirina okutuukirizibwa. —Lukka 22:37


Kristo kino yakikakasa nti kyalina okubaawo. Yalina okubalarwa awamu n'abonoonyi kulwaffe. Mu kitundu kino Kristo yali asiimbula ekyawandiikibwa mu kitabo kya nabbi Isaaya 53, ekizze nga kikwaata kumitima gy'abasajja n'abakazi okuyita mumirembe gyonna.

Yanyoomebwa nagaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwebakweeka amaaso gaabwe bweyanyoomebwa bw'atyo ne tutamuyitamu kabuntu'.

Mazima yettika obuyinike bwaffe naasitula ennaku zaffe: naye twamulwooza nga yakubibwa yafumitibwa Katonda naabonyabonyezebwa. Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabeetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okw'emirembe gyaffe kwaali kuye;

era emiggogye gye gitowonya. Ffe ffena twawaba ng'endiga; twaakyamira buli muntu mukubolye ye; era Mukama atadde kuye obutali butuukirivu bwaffe ffena.

Yajoogebwa, naye neyetowaza n'atayasama kamwaake; ng'omwaana gw'endiga esirika mu maaso gabo abagisalako ebyooya, wewaawo, teyayasama kamwake. Yaggyibwaawo olw'okujoogebwa n'omusango; n'ebyezaderye, ani kubo eyalowooza nga yazikirizibwa muni eyabalamu? Yakubibwa olw'okusobya kw'abantu bange.



## Oluvannyuma lw'ebyo

Nebaganba nti abalala bamuyita Yokana Omubatiza, abalala nti Eriya: abalala nti Yeremiya, oba omu kubanabbi. Nabagamba nti naye mmwe mumpita mutya? Simoni Petero naddamu nagamba nti Ggwe Kristo omwaana wa Katonda omulamu. —Matayo 16:13-16

Okusooka Yesu yayigiriza abayigirizwaabe nti obutuukirivu bwokka obukkirizibwa Katonda bwebulamu obutuukiridde. Mumaaso gekyetaago ekyo abayigirizwa bategeera embeera yaabwe enyoonofu era nebebuza nti ani ayinza okulokolebwa? Awo Yesu kwekubatuusa okwaatula nti Yali Kristo, Omwaana wa Katonda omulamu.

Kristo n'asokera awo okubuulira abayigirizwaabe nti kimugwaanira okugenda e Yerusalemi, okubonyabonyezebwa ennyo abakadde ne ba kabona abakulu n'abawandiisi, n'okuttibwa, ne ku lunaku olwokusatu okuzuukizibwa. —Matayo 16: 21

Kristo kunkomerero yabikkula ekyama ky'omulimugwe. Omulimugwe gwaali gusingako okubeera omuyigiriza omukulu. Yali mulokozi.

Yatandika okubalaga nti yali atekwa: okuttibwa ne kulunaku olwokusatu azuukire.

Ekigambo"ateekwa" kitegeeza ekyetaago ky'obwakatonda. Omwaana w'omuntu atekwa okuttibwa. Eteeka liteekwa okutuukirizibwa—buli katonyeze ne nnyukuta zaalyo. Era eteeka terilagira bulagizi butuukirivu kyokka; likolimira buli muntu alemwa okutuukiriza kyeliragira.

"Kubanga kyawandiikibwa nti, Akolimidwa buli atabinyiikirira byonna. ebyawandiikibwa mukitabo ky'amateeka okubikolanga. —Baggalatiya 3:10

Omuwandiisi wa Zabbuli agamba,

Bawereddwa Omukisa abakwaata amateekago, n'oyo akola eby'obutuukirivu mubiro byonna. —Zabbuli 106:3

Newankubadde ng'omuntu omu akuuma amateka gonna,"naye bw'asobya mulimu," aba "azizza omusango gwa gonna" era aba aky'ali mukolimire(Yakobo 2:10). Eryo lye'tteeka—obwenkanya bwa Katonda.

ba Kitamwe ali muggulu: Kubanga enjubaye agyaakiza ababi n'abalungi, abatonnyeseza enkuba abatuukirivu n'abatali batuukirivu. —Matayo 5:43-48

Kristo teyayigiriza kino kyokka. Ekigambo kye ky'alina obuyinza kubanga yali ekyo kyeyayigirizibwa. Yali kyakulabirako eky'alaga nga bweyali ayagala wamu nokusonyiwa abalabebe era newankubadde nga bamuyigganya naye yabasabira. Yesu yeyatuukiriza etteka lino—eky'okulabirako ekyeyogerera kyokka. Abalabebe nga bamukomerera era nga bamuyisa mungeri ey'obukambwe, yabasabira.

Kitange, basonnyuwe; kubanga tebamanyi kyebakola.—Lukka 23:34

Nga Paulo bwagamba:

Kubanga yafirira abataty Katonda. Kubanga kizibu omuntu okufirira omutuukirivu—kubanga omulungi omuntu mpozzi aguma n'okumufirira. Naye Katonda atenderezasa okwagalakwe ye gyetuli, kubanga bwetwaali ngatukyalina ebibi Kristo naatufirira."—Baruumi 5:6-8

## Mubeere Batukuvu

Mukubuulirakwe kulusozi, Yesu yazingulula ekika ky'obutuukirivu obwetaagibwa okusobola okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

"Kubanga mbagamba nti, obutuukirivu bwammwe bwebutasingenga butuukirivu bwabawandiisi n'abafalisayo, temulyingira n'akatono mubwakabaka obwomuggulu.—Matayo 5:20

Abantu abamu bayinza okuwulira muli ng'esuubi ly'abwe erisembayo ngalisesebuddwa bwebawulira ekyo. Oluvannyuma lwabyonna, abawandiisi n'abafalisayo baali bantu banaddiini. Tebaali bakazannyirizi mukubeera abatuukirivu. Ekyo kyebaali b'akugukamu. Bakikolereranga essawa abiri mu nnya. Ky'amazima Tewali jinja nalimu lyebaleka nga tebalisesheetudde oba okulija mukifo ky'alyo mukukuuma amateeka balyooke basobole okubeera abatukuvu. Abantu aba bulijjo batuukanga n'okubulwa ky'akwogera mumaaso ga'bawandiisi na'bafalisayo, abasiibanga emirundi esatu mu sabiiti. Newankubadde ngakyali bwekityo, naye Kristo yagamba.

Okujjako nga munabeeranga n'obutukirivu obusinga obwa'bawaandisi na'bafalisayo,temugenda kuyingira bwakabaka bwa muggulu.

Tujjukizibwa abayigirizibwa kulunaku lumu abayogerera waggulu mukwewuunya nti:

Ani ayinza okulokolebwa?—Matayo 19:25

Kuntikko y’okubuulirakwe, Kristo yalaga ekyetaago ekyaaali kisinga obukulu,

“Kale mmwe mubeerenga abatukirivu, nga kitammwe ali muggulu bwali omutukirivu.—Matayo 5:48

Ate era omulundi gumu tuwulira ekiragiro kya Kristo, “Mukole bwemutyo nammwe munabeera balamu”. Ggwe ogamba nti on’otambulira mu kuyigiriza kwa Kristo? Kale no kola bw’otyo naawe onaabera mulamu”. Bwotokikole ojja kufa

Ky’amazima ojja kusalirwa omusango bwonosaangibwa n’ekigambo kimu ekitasaana. Wali osunguwalidde mugandawo, ng’owulira okulimirizibwa n’omusango ogwo’okuwoolera eggwanga? Wali obaddeko n’ekiruyi? Wali oyagadde wamu n’okusabira abalabebo nga Yesu bweyakola? Era muli olowooza nti Katonda omutukuvu ow’omuggulu agenda kukkiriza ekintu kyonna ekitali kitukuvu? Bw’oba nga bwotyo bwolowooza okuva kw’ekyo omwaanawe kyeyayigiriza nti oteekwa okubeera omutukuvu nga Kitaawo owomuggulu bw’ali omutukuvu, ojja kuba nga weriimba.

Walibadde na ssuubiki mumusango senga onoofa ekiro kyaleero eranga n’obulamu bwo busaliddwa omusango(atenga ddala bwakilina okuba) n’ekigero ky’amatteeka amatukuvu agalabika ngeky’okulabirako mubuntu bwa Kristo Yesu? Senga oba ng’oli wakusalirwa omusango wekka kungeri gy’oba wepimyeemu n’okuyigiriza kwa Kristo okwaangu, mukisaki gwewandibadde nagwo okwejeerera? Okuyigiriza kwa Yesu okwaangu kwandibadde kwantiisa nnyo okusinga okubwatuka okwali kulusozi Sinai!

Katonda bweyayita abaana ba Isiraeli okuva mu Misiri, yabaleeta kulusozi Sinai okubawa amateeka ekkumi. Yabagamba betegekere ekiseera ekyo nga booza engoye zaabwe wamu n’okwetukuza. Bwekityo abantu beyonja era betukuza (Kuva 19: 10,14). Nga bali ne Musa bayimirira okwetoolola olusozi. Wano, mumazima, kyali kyakulabirako, eky abantu abatukuvu. Wano,

mukubwaatuka okwentiisa, Mukama yatandika okwogera ngasinziira kulusozi Sinai:

Nnze Mukama Katondawo, eyakujja muni eye Misiri, munnyumba ey’obuddu. Tobanga nabakatonda balala wendi.—Kuva 20:2-3

Olusozi lwayaka omuliro, n’ensi nekankana. Eddoboosi lya Katonda—ekigambo kya Katonda ekiramu era ekikozi

Era ngakisala okusinga ekitala eky’obwoogi obubiri, era kiyitamu n’okwawula nekyawula obulamu n’omwoyo. —Bebbulaniya 4:12

Kyayingira mumitima gy’abantu. Okutya okunene kwaagwa kubantu. Ne Musa nayogera nti,

Ntidde nnyo era nkankanye.—Bebbulaniya 12:21

N’abantu ne bakaaba nga boogera nti:

Katonda aleme okwogera naffe, tuleme okufa.—Kuva 20:19

Kino kyekibeerawo kumuntu omunaku, omunafu, afa nga yazaalibwa mukibi,

anywa obubi ng’amazzi. —Yobu 15:16

alina omutima

“omubi okuva mubutobwe. —Luberyebereye 8: 21

“Omulimba okusinga ebintu byonna, era ogulwadde endwadde etawonyezeka. —Yeremiya 17:9

Omuntu alowooza nti mutukuvu okutuusa lwayolekera obulongoofu bw’Omuyinza w’ebintu byonna. Nga Calvin bweyagamba, “Senga emunyeenye, ezirabika ngazaaka nnyo ekiro, zilekeraawo okumasamasa mukitangaala ky’enjuba, kiki kyetulowooza ekiyiinza okubaawo kubutaba nansobi senga obanga omugerageranyiza n’obulongoofu bwa Katonda?”

Naye singa okubwaatuka kwa sinayi kutiisa, kirikitya kukuyigiriza kwa Kristo? Bwetuba nga tuli bakulamulwa n’ekipimo ekyo, kubanga Katonda alisala omusango” gw’ebirowoozo byabantu ku Yesu Kristo” (Baruumi 2:16)—mpozzi tuliyiinza okukaaba n’eddooboosi ery’omwanguka nti ” Ani ayiinza okulokolebwa? (Kubikkulirwa 6:17) Lumu Kristo yabuuza abayigirizwaabe nti, Omwaana w’omuntu abantu bamuyita batya?